# IBULAAMU AYAWUKANA NE LUTTI.

**Olubereberye 13:5-18**

Ennyiriri ezisooka essatu ziyungiddwa wamu n'essuula eya 12. Zitulaga Ibulaamu nga ava e Misiri gyeyali aligagiddwa okulaga olw'enjala eyali e Kanani.

Ebimu ku bikulu ebirabibwa mu nnyiriri zino kwe kulaba engeri Ibulaamu gye yasinza nga mu Katonda nti ne waakubadde yalina effeeza wamu ne zzaabu gattako n 'ente ennyingi ennyo tebyamujja ku kunoonya bwenyi bwa Katonda era nga tulagibwa engeri gye yawangayo ssaddaaka eri Katonda.

Okuva ku lunyiriri olwe 5-18 tufuna amasomo abiri amakulu

1. Tuyigiramu egeri y'okugonjoola emitawaana n'obukuubagano.
2. Tuyigiramu okwekwata ku Katonda nga twawukana n'ensi.

**Vs5-9** Lutti yali mutabani wa muganda wa Ibulaamu ayitibwa Kalani nga bwetugambibwa mu ssuula **11:27-37** era nga ono yatambula ne jjajja we Teera kitaawe wa Ibulaamu okuva mu Uli okugenda e Kalani.

Teera ng'amaze okufa Lutti yasigala ng'atambula ne Ibulaamu era baali baamukwano.

Enjawukana y'abasajja bano yava ku bukuubagano obwaliwo oluvannyuma lw'okweyongera mu by'obugagga .

Ibulaamu ng omusajja ow'emirembe era ataalina bujja yanoonya engeri y'okugonjoola mu obukuubagano buno.

Mukino yasalawo okufiirwa nga aleka Lutti alondewo ekifo ekimusingira obulungi waaba asenga okusinga okudda mu kukuubagana.

Ibulaamu yakola okusalawo kubanga amaaso ge ya agatunuuliza Katonda eyamuyita so si ebintu bye yalina gamba nga ffeeza, zaabu, abaddu wamu n'ettaka.

**a)** Kyabulijjo nti mu ndowooza y'ensi nti omuntu okubaako ky'afuna walina okubaawo afiirwa. Era eby'enfuna (Economics) bisomesa nti ebintu tebimala era bya bbula (***resources are scarce***) n'olwekyo olina

okuluma n’ogwungulu okulaba nti ofuba nnyo ebyo by’ofunye obutakutwalibwako era nti bwetuba tuli baakufuna walina okubaawo afiirwa.

Embeera ey’okulabika ga abafiirwa ya bwa Katonda gamba nga katonda okuwaayo omwana we kulwaffe tulokolebwe nga bwetulaba mu **Yokaana 3:16 ‘’Kubanga Katoda bwe yayagala ensi, bw’atyo n’awaayo Omwanawe omu yekka, buli muntu yenna omukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwawo.’’**

Tulina okwewaa eri okwagala kwa katonda nti nebwekiba nga kyetaagisa kufiirwa tulyoke tuwangule kyetuba tulina okukola.

**<u>Ezimu ku ngeri z’okuwangula entalo oba obukuubagano</u>**

Ssibuli lutalo nti tuba tulina okulwana.

1. Waliwo lwetulina okuyimirira obuyimirizi tulyoke tulabe obulokozi bwa Katonda.
2. Waliwo ze tulina okudduka
3. Waliwo ze twetaaga okulwana
4. Era waliwo ne zetuteekeddwa okuteeseganya
   Mu ngeri zonna tulina okunoonya akwagala kwa Katonda.

## <u>Okwawukana n’ensi.</u>

**Vs 10-13** Okwawukana kwa Lutti ne Ibulaamu tekwalina buzibu bwonna naye obuzibu bwali mu kusalawo wa gyeyalonda okudda era na biki ebiri emabega w’okusalawo okwo.

Lutti yalonda olusenyi lwa Yoludaani kubanga lwali lusikiriza. Asiimba eweema ye okuliraana sodomu eyali ejjudde obubi.

Weema ya Lutti teyali ddala mu Sodomu naye yali kumpi ne Sodomu. Lutti yayagala okunyumirwa oluuyi lwe yalikako ne Ibulaamu wamu n’amasanyu ga Sodomu.

**b) Waliwo abantu bangi abayiyimiridde nga amagulu gali ku njuyi bbiri; mu Kanisa gyebali naye ne munsi gyebabli.**

Eby'amasanyu g'ensi bibanyumira ate n'eby'eKanisa babyagala. Tulina okukola okusalawo okuleka ensi n'amasanyu gaayo bwetuba nga tuli baakunyumirwa bwa kabaka bwa Katonda.

c) **Obulamu bwetulimu bwetoloddwa eby'okusalawo. Ggwe nange tukola kusalawo ki?**

Emirundi mingi nga katonda awa abantu okusalawo gamba nga mu Yoswa 24:15 **''Naye bwe muba temwagala kuweereza Mukama, mulondewo leero gwe munaawereeza nga; oba bakatonda bajjajjammwe abaali emitala w'omugga be baaweerezanga, oba bakatonda ab'Abamoli, bannanyini nsi mwe muli. Naye nze n'enyumba yange, ffe tunaawerezanga Mukama Katonda.''**

**Vs 14-18** Ibulaamu ye yalabika ng'atutte ekifo ekibi era nga tuyinza okulowooza nti Lutti yali agobolodde. Amzima gali nti mu Katonda tuyinza okuba ng'abafiirwa naye ffe tukola okusalawo okulungi.

d) **Okusalawo kwe tukola okulabika nga okw'obusirusiru mwemuli essuubi ery'obulamu obutaggwaawo.**

Essanyu ly'ensi lya kaseera katono. Nga mukaseera akatono Sodomu eyasanyusa Lutti bwe yasaanawo; n'ensi eno n'amasanyu gaayo gagenda kusaana wo.

Yakobo 4:1-4

Tulina okua abeeteefuteefu okufiirwa emirundi egimu. Era tulina okufumiitiriza mu buli lweulina okukola okusalawo.